# Engeri ffenna gye tukwatibwako olutalo lw'okutaasa ennyanja Nalubaale

OMULIMU gw'okutaasa ennyanja Nalubaale gukwata ku buli muntu mu Uganda n'amawanga amalala mu Buvanjuba bw'Afrika nga buli omu yeegendereza by'akola.

Mu mboozi z'okunoonyereza kwa Bukedde okwassibwamu ssente ekitongole ky'amawulire ekya African Center For Media Excellence akizudde nti, embeera y'ennyanja yeeraliikiriza olw'engeri kasasiro ne kazambi gye bigisaanyaawo, envuba emenya amateeka, ebikolwa n'enneeyisa y'abantu gye byonoona omutindo gw'amazzi, okusaanyaawo ebifo omuzaalira ebyennyanja n'okukendeera kw'ebyennyanja.

Ennyanja Nalubaale (Victoria) y'esinga mu nsi yonna obunene ku nnyanja ezirina amazzi g'osobola okukozeserezaawo era eyimirizaawo obukadde n'obukadde bw'abantu mu mawanga g'Obuvanjuba asatu agagigabana okuli Uganda, Kenya ne Tanzania.

Ensonga y'okutaasa ennyanja Nalubaale, y'emu ku bikulu ebyatunuulirwa mu kulonda kw'abakulembeze. Mu kunoonyereza kwaffe, HERBERT MUSOKE, akulaga engeri buli muntu mu Uganda gy'akwatibwako omulimu n'obuvunaanyizibwa bw'okulwanyisa n'okutangira okwonoona n'okusaanyizibwawo kw'ennyanja Nalubaale.

Naomi Karekaho, omwogezi w'ekitongole ekivunaanyizibwa ku butonde bw'ensi mu Uganda ekya National Environment Management Authority (NEMA), agamba nti, buli omu ateekeddwa okukimanya nti, okukuuma obutonde buvunaanyizibwa bwe kuba buli ky'okola, kikosa obutonde ate ng'ebivaamu naawe bigenda kukutwaliramu.

"Kazambi ne kasasiro w'obuveera, ebicupa bya pulasitiika n'ebirala ebiggweera mu nnyanja naddala mu biseera by'enkuba, biva mu bitundu ebyetoolodde ennyanja. Kino kitegeeza nti, buli omu w'oli, ovunaanyizibwa ku nkwata ya kasasiro okusobola okumutangira okuyingira ennyanja," Karekaho bw'agamba.

Ennyanja eno eriko obugazi bwa mayiro 69,484 ng'egabanyizibwa amawanga asatu mu Buvanjba bw'Afrika okuli; Uganda etwala ebitundu 45 ku 100, Kenya ebitundu 6 ku 100 ne Tanzania etwalako ebitundu 49 ku 100.

Ng'oggyeeko okuliisa amawanga agagigabana, Nalubaale y'ensibuko y'omugga Kiyira (Nile) oguyita mu mawanga okuli; South Sudan, Misiri, Eritrea, Kenya, DR Congo, Burundi, Rwanda ne Tanzania.

Mu Uganda amaato agasoba mu 30,000 agamenya amateeka ge gasaanyizibwawo ekitongole ky'amagye ekikuuma ennyanja ekya Fisheries Protection Unit ate n'ebitimba bya pulasitiika nga birimu obutwa bikyeriisa nkuuli.



Abavubuka nga booleza ebidduka mu nnyanja ku kizinga e Kiyindi. Kino kikosa ennyanja naddala okulemesa ebyennyanja okuzaala.

## Abaserikale bakwatagane n'abavubi okunyweza eby'okwerinda

John Kayumba, Ssentebe w'abavubi ku mwalo gw'e Kasensero mu Kyotera agamba nti, balina okusoomoozebwa kw'abavubi okuva e Tanzania ababatigomya nga bavuba bubi, okubabba n'okubatta.

"Mu kitundu kyaffe abaserikale ba poliisi y'oku nnyanja babeerawo kyokka tebalina bikozesebwa ng'amafuta, amaato n'ebirala. Okusobola okunyweza ebyokwerinda, twassaawo enkola y'okufuna eryato, okulissaamu amafuta n'okusasulira abaserikale okulawuna," Kayumba bw'agamba.

Agamba nti, abaserikale abaaleetebwa okukuuma ennyanja basaanira okukolera awamu nabo ng'abakulembeze b'emyalo kubanga be bamanyi ennono n'obuwangwa ebibaddewo okumala emyaka nga bikuuma ennyanja.



Naomi Karekaho owa NEMA.

### TUSOOMOOZEBWA ABAVUBI OKUVA E KENYA

Kennedy Bwire, omu ku baddukanya omwalo gw'e Majanji agamba nti, balina okusoomoozebwa kw'abavubi abava e Kenya ne bayingira amazzi. Emabegako, baali batya okukikola ng'abavubi bakyakkirizibwa okwekwasiza amateeka ne kikuuma omulimu gwabwe.

"Amagye geetaaga okuddamu okukolagana naffe mu kulwanyisa ebikolwa by'abavubi bano abasala amazzi okutuukira ddala eno ewaffe kuba ffe tusula wano ate ng'abavubi bano bajja kiro mu ttumbi ng'abaserikale beebase," Bwire bw'awabula.

Mu kunoonyereza okwakolebwa ekitongole ekirabirira ennyanja Nalubaale ekya Lake Victoria Fisheries Organization (LVFO) mu Tanzania, kwalaga nti, amaato agaali gavubira ku nnyanja eno gakendedde ebitundu 6 ku 100 wakati wa 2016 ne 2020 ate okukozesa ebitimba bya pulasitiika ebiriko obutwa byakendeera ebitundu 52 ku 100.

Mu 2016, yatongoza ekikwekweto ekyatuumibwa 'Operation Sangara', ekyagatta ebitongole eby'enjawulo okutaasa empuuta, okukomyawo obungi bw'ebyennyanja ebikwatibwa n'ennuuni okweyongera. Era amawanga g'Obuvanjuba bw'Afrika mu 2018 gaatunda ennuuni z'empuuta ttani 1,747 nga zibalirirwamu obukadde bwa ddoola 124 (eza wano obuwumbi 440.8).

Patrick Otuo, omunoonyereza mu kitongole kya Kenya Marine and Fisheries Research Institute mwennyamivu nti, ekitongole ekiyinza okuwa amawanga gano obugagga bwe buti, gayingiza obukadde bwa ddoola 86 bwokka omwaka.


William Tibyasa Mwesigye, akulira ekibiina kya Uganda Fish Processors and Exporters Association alabula nti, ssinga tewabaawo kya mangu kikolebwa, ekitongole ky'obuvubi kyandisaanawo ng'ennyanja tekyalimu byennyanja bigenda kutambuza bizinensi.

Mu Uganda twali tuwezezza amakolero agakola ku byennyanja, kyokka mangi gaggalawo ate nga n'agaliwo gakola kitono ddala okusinziira ku kye birina okukolako. Ekibiina kiraga nga leero mulimu amakolero 14 kyokka 10 gokka ge gakola.

Mu 2019, Uganda yakola ku ttani 46,581 olwo ttani 22,918 ne zitwalibwa ebweru w'eggwanga ne zivaamu obuwumbi 400 n'obukadde 600. Kyokka mu 2014, ttani 16,505 zokka ze zaakolebwako olwo ttani 8,427 zokka ze zatundibwa ku katale k'ebweru ne muvaamu obuwumbi 58 n'obukadde 700.



John Kayumba, Ssentebe w'abavubi e Kasensero.



Kennedy Bwire, ow'oku mwalo gwa Maduwa/Majanji e Busia.



Abavubi nga bapima ebyennyanja.

**Alina ky'obuuza, okuwabula oba okuteesa, kwatagana naffe okuyita ku email; news@newvision.co.ug oba WhatsApp: +25677460776.**